G
EAu (02)
940/20

BUGANDA
MAY 1940
KAMPALA

UGANDA PROTECTORATE.

# Etteka lya Ggombolola z'e Buganda Erya 1940.

*Byakubibwa mu Kyapa ku lwa Gavumenti y'e Buganda. Biyinza okugulibwa mu Lukiko e Mengo ku muwendo gwa cents 30 buli katabo.*

UGANDA PROTECTORATE.

# Etteka lya Ggombolola z'e Buganda Erya 1940.

[*Ebigambo bino ebyakyusibwa mu Luganda okuggyibwa mu Lungereza eby'Eteka lya Gombolola z'e Buganda, tebyakyusibwa okugobereza buli kigambo nga bwe kiri mu Lungereza. Naye kyokka bitegeza ebigambo byonna ebyagendererwa mu Lungereza era binnyonnyola amakulu gennyini agali mu Lungereza.*]

UGANDA PROTECTORATE.

Nzikiriza,

P. E. MITCHELL,

*Governor.*

L. S.

4TH APRIL, 1940.

## No. 4 of 1940.

**Etteka ery'okutekawo entegeka ennungi ya Ggombolola z'Abazaliranwa mu Buganda olw'okusala okulungi okw'emisango n'ery'okutukiriza Endagano ya Uganda eya 1900, nga bwe yakyusibwako mu Kirangiriro ky'Eggombolola z'Abazaliranwa ekya 1917, n'Endagano y'e Buganda ey'Emisango eya 1905, n'Endagano ey'Emisango gy'Ebika eya 1924.**

Lyatekebwa Governor wa Uganda Protectorate, ng'amaze okuwebwa amagezi n'okukkirizibwa Olukiko oluteka amateka.

1. (1) Etteka lino linayitibwanga Etteka lya Ggombolola z'e Buganda erya 1940, era liritandika okukola ku lunaku Governor lw'alissawo ng'alutegezezza mu *Gazette*.

(2) Etteka lino lijja kukwata ku Buganda yokka.

2. Mu tteka lino wazira ng'amakulu ag'engeri endala ge gagendereddwa—

"ggombolola" kitegeza ggombolola eyatekebwawo mu kitundu 4 eky'etteka lino era kigattamu ne Ggombolola Enkulu ey'Olukiko;

"Lukiko lw'Oweggombolola" kitegeza ggombolola y'Oweggombolola eyatekebwawo mu kitundu 4 eky'etteka lino, ng'Omukulu wayo ye mwami Oweggombolola;

"Judicial Adviser" kitegeza Omuwi w'Amagezi ku misango eyalondebwa Governor era kigattamu n'Omubezi w'Omuwi w'Amagezi ku misango;

"Kabaka" kitegeza Kabaka eyakakasibwa nga bwe kiri mu kitundu 6 eky'Endagano eya 1900, nga mugattikamu Regent yenna analondebwanga okukozesanga obuyinza bwa Kabaka.

"Katikkiro" kitegeza Katikkiro eyalondebwa mu kitundu ekye 10 eky'Endagano eya 1900;

"Ggombolola Enkulu ey'Olukiko" kitegeza Ggombolola Enkulu ey'Olukiko eyogerebwako mu kitundu 3 eky'etteka lino;

"Magistrate" kitegeza omuntu yenna ayitibwa (oba alowozebwa okuba Omusazi w'emisango (Magistrate) nga bwe kiri mu butundu (3) ne (5) obw'ekitundu 6 eky'etteka lya Courts Ento erya 1940;

"omuzaliranwa" kitegeza omuntu yenna ow'eggwanga ery'omu Protectorate eno oba Protectorate ne Colony y'e Kenya, Tanganyika Territory, Nyasaland, Sudan oba ow'omu nsi y'e Ruanda-Urundi, oba Belgian Congo era kigattikamu n'Omuswahili;

"Etteka lya Kabaka" kitegeza Etteka eryakolebwa nga lisinzira mu Ndagano y'e Buganda (Amateka g'Abazaliranwa) eya 1910, n'Endagano (Ennyonnyola) ey'e Buganda (Amateka g'Abazaliranwa) eya 1937 nga bwe yakakasibwa Etteka (lya Gavumenti Enkumi) erinnyonnyola Amateka g'Abazaliranwa ag'omu Buganda;

"Omulamuzi" kitegeza Omulamuzi Omukulu eyalondebwa mu kitundu 10 eky'Endagano ya Uganda eya 1900;

"Omuwanika" kitegeza Omuwanika eyalondebwa mu kitundu 10 eky'Endagano ya Uganda eya 1900;

"Resident" kitegeza Resident Buganda;

"Ggombolola y'Essaza" kitegeza Ggombolola eyatekebwawo mu kitundu 4 eky'Etteka lino, Omukulu wayo nga ye mwami Owessaza.

"Court Ento Engereza" kitegeza Court eyatekebwawo nga bwe kiri mu tteka lya Courts Ento Engereza 1940 (Subordinate Courts Ordinance, 1940).

3. (1) Kikakasiddwa wano nti Ggombolola Enkulu ey'Olukiko eyakakasibwa ekitundu 11 eky'Endagano ya Uganda eya 1900, ye Ggombolola Enkulu eya Buganda, era ng'oggyeko ebiri mu tteka lino erina obuyinza obujjuvu ku bazaliranwa bonna mu Buganda yonna mu misango egy'obulyazamanyi n'egimenya amateka. Kinabanga eri Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Governor okulanga mu *Gazette* erinnya lya Ggombolola Enkulu ey'Olukiko ly'enayitibwanga.

(2) Ggombolola Enkulu ey'Olukiko enaberangamu abatongole bano wammanga—

(*a*) Kabaka;

(*b*) Omulamuzi;

(*c*) Katikkiro n'Omuwanika;

(*d*) Abami basatu abatali wansi wa ddala lya bami Abaggombolola abalondebwa Kabaka okumala ebbanga nga Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Governor lye banabanga balabye erisanira.

(3) Ggombolola Enkulu ey'Olukiko enaberanga nzijuvu ng'erimu abasazi b'emisango basatu.

(4) Omukulu wa Ggombolola Enkulu ey'Olukiko ye Kabaka, bw'aba nga taliwo Omulamuzi oba bombi nga tebaliwo omu ku basazi b'emisango alondeddwa Omulamuzi.

(5) Olw'okwanguya omulimu ogukolebwa mu Ggombolola Enkulu ey'Olukiko Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Governor anayinzanga olusi n'olusi okutekawo Ggombolola ginnayo endala okumala ebisera ebyetagibwa. Ggombolola ey'engeri eno enaberangamu Abami babiri abatali wansi wa ddala lya bami Abaggombo-

lola n'Omwami omu atali wansi wa ddala lya mwami Owessaza (era ono y'anaberanga omukulu wa Ggombolola eno) abanalondebwanga Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Governor era enaberanga n'obuyinza obukozesebwa Ggombolola Enkulu ey'Olukiko.

4. (1) Ggombolola endala ezinabanga wansi w'Eggombolola y'Olukiko zinayinzanga okutekebwawo Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Governor, ng'atekawo ekiragiro ekitegeza ekitundu Ggombolola kw'ekomya obuyinza okusala emisango nga bw'anabanga alabye ekisanira okusinzira ku biragiro ebiri mu Tteka lino.

(2) Okutekawo Ggombolola esala emisango nga bwe kiri mu kitundu kino, Governor ng'asose okukkiriza, Kabaka anayinzanga okukuyimiriza oba okukuggyirawo ddala, era obuyinza bwayo kw'ekoma okusala emisango Kabaka anayinzanga okubukyusa okusinzira ku biragiro ebiri mu Tteka lino. Ggombolola esala emisango ng'ebadde eyimiriziddwa oba ng'eggyiddwawo, oba ng'obuyinza bwayo bukyusiddwa, olwo ekiragiro ekitesesawo eggombolola kinaddanga amangu ago eri Kabaka okukumirwa eyo oba okukikyusamu nga bwe kinabanga kyetagibwa.

5. (1) Kabaka anabanga n'obuyinza mu kiragiro ekitekawo Ggombolola okulaga abo abanasalanga emisango n'obukulu obuli wakati wabwe nga bwe banaddiriragananga n'engeri gye banagobereranga mu kusala nga bonna tebakkiriziganyizza, omuwendo gw'abo abanabanga n'obuyinza okusala nga bonna tebaweze, n'engeri gye banagobereranga okussako ekibonerezo oba kinatekwangawo omu ku bo oba kusingawo.

(2) Ggombolola yonna esala emisango enalowozebwanga nti yatekebwawo mu ngeri egoberera amateka wabula nga kiragiddwa nti si bwe kiri kityo.

6. (1) Wabula ng'obuyinza bwa Ggombolola bufunzibwako mu kiragiro kyayo oba mu tteka lino oba mu ddala lyonna Ggombolola esala emisango erina obuyinza okuwozesa emisango gyonna bwe giba egy'obulyazamanyi ng'abawozanganya bonna bazaliranwa ate mu gimenya amateka ng'omuwawabirwa muzaliranwa.

(2) Governor bw'analabanga nti abantu abatali bazaliranwa basanira okuwozesebwa Ggombolola yonna mu ngeri emu ng'abazaliranwa olw'embera y'abantu abo eya bulijjo ng'esanyisa kino, anayinzanga okukola ekiragiro ekiwa obuyinza Ggombolola yonna okuwozesanga abantu ab'engeri eyo, era Kabaka anakyusangako mu kiragiro ekyo ekyatesesawo Ggombolola eyo.

(3) Omusango bwe gunabanga guwozesebwa mu Ggombolola esala emisango omuntu n'amala agamba nti Ggombolola eyo temulinako buyinza, Ggombolola esala emisango enategezanga ensonga eyo eri Magistrate w'ekitundu ekyo, Ggombolola eyo ky'erinamu obuyinza okuwozesa emisango, ne Magistrate oyo bw'anamalanga okubuliriza, nga bw'analabanga kyetagibwa, kinabanga gy'ali okusala obanga omuntu oyo asanira okuwozesebwa oba tasanira kuwozesebwa Ggombolola eyo era anawandikanga ekiragiro ekikakasa ensala ye, era ekiragiro ekyo kye kinaberanga ekya nsalesale.

(4) Ng'oggyeko ebyo ebiganibwa mu buyinza bwa Ggombolola, era n'ebiri mu tteka eddala lyonna, buli Ggombolola enawuliranga era enasalanga omusango Government Engereza oba Government Enganda gw'enabanga evunana oba ogunabanga gugivu-

nanibwa, naye wanabangawo omutongole anabanga n'obuyinza obugivunanira n'obugiwoleza, ng'oyo agivunana oba gw'evunana muntu Ggombolola eyo gw'erinako obuyinza okumuwozesa.

Naye mu musango oguvunana Government Engereza Omuwolereza w'Amateka (Attorney-General) anasokanga kukkiriza, era mu musango oguvunana Government Enganda Resident anamalanga kukkiriza.

7. Bwe wanabangawo emisango egy'obulyazamanyi oba egimenya amateka ggombolola gy'erinako obuyinza okugiwozesa ne gimala gisokera mu Court ento Engereza oba mu High Court Engereza ginakyusibwanga ne gizzibwa mu ggombolola y'abazaliranwa egirinako obuyinza gye giba giwulirirwa:

Naye ekitundu kino tekijja kukwatanga ku misango gimenya mateka egy'ebigambo ebikoleddwa munda w'ekifo kyonna ekyalangirirwa okubera akabuga (Township) mu Tteka ly'Ebibuga erya Government Enkumi, wazira nga Court ento Engereza oba High Court ng'emaze okulaba nga kirungi okukyusa emisango egyo okugizza mu ggombolola y'abazaliranwa enabanga erina obuyinza obw'okugiwozesa.

8. Okuggyako ebigambo ebiri mu lupapula oluteggeza obuyinza bwayo oba mu tteka lino oba mu tteka eddala lyonna, obuyinza bwa Ggombolola yonna bunakwatanga ku bigambo ebibawo mu kitundu ky'efuga era ne ku bigambo n'emisango egisokera awalala, singa omuwawabirwa ng'alina amaka ge munda w'ekitundu ekifugibwa Ggombolola eyo, naye emisango egikwata ku bizimbe oba ebintu ebirala ebitayinza kusitulwa ng'ettaka, ginayinzanga okuwulirwa mu kitundu awali ebintu ebyo.

9. Wabula nga kibadde kinnyonnyoleddwa ddala mu ngeri endala, tewabenga Ggombolola enabanga na buyinza buwozesa misango gino:—

(*a*) Emisango egirimu ensonga ezikwata ku bussi bw'omuntu;

(*b*) Emisango egy'obufumbo oba egy'okugattulula egifugibwa Etteka ly'Obufumbo bw'abazaliranwa, oba Etteka ly'okugattulula;

(*c*) Emisango egifugibwa Etteka lya Gavumenti Enkumi oba amateka ga Bungereza oba Buindi agakkirizibwa okukola mu Uganda, wabula kyokka Ggombolola eyo ng'eweereddwa obuyinza okusinzira mu tteka eddala erya Gavumenti Enkumi oba okusinzira mu kitundu 12 eky'Etteka lino;

(*d*) Emisango ekiragiro gye kigana Ggombolola okugiwozesa.

(*e*) Emisango egy'Ebika nga bwe gyayogerwako mu Ndagano ya Uganda (ey'Ebika) eya 1924;

(*f*) Emisango omuwabi ng'asabye Ggombolola okubowa n'okutunda ettaka lyonna ery'omuntu awawabirwa erimaze okuwandisibwa nga bwe kiri mu Tteka lya Gavumenti Enkumi ery'okuwandisa Mailo oba etteka eddala lyonna eririrongosamu oba eridda mu kifo kyalyo.

10. Okusinzira ku biri mu Tteka lino Ggombolola enagobereranga era enatukirizianga bino byokka—

(*a*) Ebiri mu tteka lyonna erya Kabaka.

(*b*) Empisa z'Eggwanga ezibaddewo Etteka lino limale litekebwewo era n'eziribawo oluvannyuma;

(*c*) Ebiragiro byonna ebiragirwa omwami yenna ng'asinzira ku mpisa z'Eggwanga;

(*d*) Ebiri mu Tteka lyonna erya Government Enkumi by'ekkirizibwa okugoberera n'okutukiriza; era

(*e*) n'ebiri mu tteka lyonna erya Government Enkumi ggombolola ly'ekkirizibwa okugoberera n'okutukiriza nga bwe kiri mu kitundu 12 eky'Etteka lino.

11. (1) Emisango egy'enkayana y'ettaka eryamala okuwandisibwa mu kitabo ky'eby'ettaka ng'Etteka lya Government Enkumi ery'okuwandisa Mailo bwe liri oba ng'Etteka eririrongosa oba eridda mu kifo kyalyo bwe liri, emisango ng'egyo ginawulirwanga mu Ggombolola Enkulu ey'Olukiko, wabula egyo egisinzira mu Kitundu VII eky'Etteka eryo.

(2) Ggombolola Enkulu ey'Olukiko bw'enamalanga okusala emisango nga bwe kitegezeddwa waggulu, omusango gwonna gunawerezebwanga olw'okukakasibwa—

(*a*) eri Judicial Adviser nga gubadde omusango ogwandijulidde gy'ali singa wababawo okujulira;

(*b*) eri High Court nga gubadde musango ogwandijulidde eri High Court singa wababawo okujulira.

(3) Judicial Adviser oba High Court bawereddwa etteka lino obuyinza bwe baba bamaze okufuna emisango egiwerezebwa gye bali nga bwe kiri mu katundu (2) ak'ekitundu kino oba kukakasa oba kujjulula ensala mu misango egyo okukola ekiragiro kyonna ekyetagibwa okugoberera amazima mu musango ogwo n'ekiragiro kino kinabalibwanga ng'ekiragiro ekigobererwa Registrar of Titles ekimukkirizisa okuwandisa ettaka nga bwe kiri mu Tteka ery'Okuwandisa ettaka.

12. Kabaka awamu n'okukkiriza kwa Gavana, anayinzanga okulanga mu Gazette oba okuteka mu kiragiro ekitesesawo Ggombolola ng'awa Ggombolola yonna obuyinza okukozesa ebigambo byonna ebiri mu tteka lyonna ly'ayogerako, naye obutasukka kyonna ekiganiddwa n'ekikomo kyonna ekiba kitekeddwawo mu kiragiro (eky'omu *Gazette*) oba mu kiragiro ekiwa Ggombolola obuyinza oba mu tteka lyonna eddala.

13. (1) Okusinzira ku biri mu Tteka lino ne ku bikomo Ggombolola kwe yalagirwa okukoma mu buyinza bwayo, Ggombolola mu misango egimenya amateka enayinzanga okulagira bw'etyi—

(*a*) okutanzibwa omutango;

(*b*) okusiba ekisera ky'eba erabye ekisana;

(*c*) okutekawo ekibonerezo ky'okukubwa; era enayinzanga n'okukola ekiragiro ekirala (ekigattamu n'ekiragiro eky'engassi) ng'amazima g'omusango bwe ganabanga galabise Naye ekiragiro kyonna mu musango kinaberanga kya nsonga okugerageranya engeri y'omusango n'emisoso gyagwo.

(2) Ggombolola enayinzanga okuwa ekiragiro mu ngeri emu ku ezo ezimenyeddwa waggulu oba mu ngeri ezisinga emu nga zigattiddwa awamu.

(3) Ggombolola enayinzanga okuwa ekiragiro ku mutango gw'enabanga etanzizza okusasulwa mu kisera kyonna oba mu bisera byonna oba okusasulwa mu bitundutundu nga bw'enalabanga

kisanye, era ng'omutango gubadde tegusasuliddwa oba ekitundu kyagwo nga tekisasuliddwa mu budde bwakyo, Ggombolola enayinzanga okulagira ensimbi z'omutango oba ekitundu kyagwo, ng'ebigambo bwe binabanga biri, okuggyibwa mu kintu oba bintu by'omuwawabirwa nga bitundiddwa.

(4) Buli Ggombolola bw'enawanga ekiragiro eky'okusasula omutango enabanga n'obuyinza okulagira mu nsala yayo, nti omutango nga siguwereddwa, omuwawabirwa anabanga wa kusibwa mu kkomera ebbanga bwe lityi nga kigererwa ku mazima g'omusango bwe gali: ebbanga eryo ery'okusibwa mu kkomera terisukkenga kigero Ggombolola ky'eragirwa okuwa mu buyinza obwagiwebwa: tekisukkenga kigero ekyassibwawo mu ngereka eno wammanga wabula ng'etteka eddala liwawo obuyinza okusukkawo

| *Omuwendo ogusasulibwa.* | | | | *Ebbanga ery'okusibwa erinayinzanga okukomwako.* | |
|---|---|---|---|---|---|
| Obutasukka | Shs. 10 ... | ... | ... ... | ennaku | 14. |
| Okusukka | „ 10 | naye obutasukka | Shs. 20 ... | omwezi | 1. |
| „ | „ 20 | „ „ | „ 100 ... | emyezi | 3. |
| „ | „ 100 | „ „ | „ 400 ... | emyezi | 4. |
| „ | „ 400 ... | ... | ... ... | emyezi | 6. |

(5) Okusibwa olw'obutasasula mutango kunakomanga mu kisera ky'omutango we gusasuliddwa oba lwe gufuniddwa (nga Court ebadde eragidde ebintu by'omuwawabirwa okutundibwa ne guggyibwamu).

(6) Ggombolola bw'enalagiranga okusibwa mu kkomera olw'obutasasula mutango, ekisera ekyo eky'okusibwa mu kkomera omutango bwe gunabanga gusasuddwako oba nga gufuniddwako ekitundu (ng'ebintu by'omuwawabirwa bitundiddwa ne bivamu ekitundu kyagwo), kinakendezebwanga okugerera ku nsimbi z'omutango ezinabanga zisasuddwako.

(7) Engassi yonna Ggombolola gy'enabanga eragidde okusasulwa ng'ekitundu kino bwe kigamba enayinzanga okulagirwa okusasulwa mu kisera kyonna oba mu bisera oba okusasulwa mu bitundutundu nga Ggombolola bw'enalabanga kisanye, era ng'engassi oba ekitundu kyayo nga tebisasuddwa mu budde obwalagirwa okusasulirwamu, Ggombolola enayinzanga okulagira okutunda ebintu by'omuntu eyalagirwa okuwa engassi.

(8) Ggombolola bw'enawanga ekiragiro nga bwe kiri mu kitundu kino eky'Etteka lino okuwa engassi omuntu yenna anabanga anyiziddwa oba alumiziddwa olw'ekikolwa oba olw'ekintu ekitamukoleddwako ekyandimukolereddwako okunasinziranga engassi eyo okulagirwa okumuwebwa, omuntu oyo bw'anakkirizanga engassi eyo, tawabenga musango nate olw'okuliyirwa ebyamufa oba olw'okugattibwa olw'okulumizibwa kwe yalumizibwa mu kikolwa ekyamukolebwa.

14. Abantu abasibibwa Ggombolola ng'emaze okubasalira okusibibwa n'abantu abakwatibwa olw'ebiragiro bya Ggombolola banakumirwanga mu kifo Kabaka ky'anabanga amaze okulagira okuba ekkomera:

Naye Omulamuzi ng'abade asabye era nga ne Resident amaze okukkiriza era nga ne Commissioner of Prisons nga na ye akkirizaganya bumu, omuntu ng'oyo oba abantu ng'abo banayinzanga oku-

kumirwa mu kkomera eryatekebwawo mu Tteka lya Government Enkumi ery'Amakomera, era nga kibadde bwe kityo anafugibwanga ebiri mu tteka lya Government Enkumi.

15. Mu misango egy'obulyazamanyi Ggombolola esala emisango enayinzanga okulagira—

(*a*) engassi nga mugattikamu empabi n'ensimbi z'abajulirwa oyo aba asinze omusango ze yakozesa;

(*b*) okutukiriza ebigambo byonna ebiri mu ndagano;

(*c*) okulagira okuzzawo ebintu eri nannyinibyo era enayinzanga okukola ekiragiro kyonna ky'erabye nti kisana.

16. Engassi yonna Ggombolola gy'enabanga eragidde okusasulibwa ng'ekitundu ekye 15 bwe kigamba enayinzanga okulagirwa okusasulwa mu kisera kyonna oba mu bisera oba okusasulwa mu bitundutundu nga Ggombolola bw'enalabanga kisanye, era ng'engassi oba ekitundu kyayo nga tebisasuddwa mu budde obwalagirwa okusasulirwamu, Ggombolola enayinzanga okulagira okutunda ebintu by'omuntu eyalagirwa okuwa engassi.

17. Ku lunaku lw'Amazalibwa ga Kabaka, Governor ng'amaze okusoka okukkiriza, Kabaka anayinzanga okusonyiwa ekibonerezo Ggombolola kye yali ettade ku muntu yenna aba akumirwa mu kifo ekyalagirwa Kabaka okuba ekkomera.

18. Buli muntu yenna Ggombolola gw'erinako obuyinza okumuwozesa—

(*a*) bw'analemanga okwoleka ekiwandiko kyonna oba ekintu kyonna Ggombolola esala emisango ky'emulagidde okuleta; oba

(*b*) bw'anagananga okudda mu kibuzo Ggombolola ky'enamubuzanga; oba

(*c*) bw'anagananga okussa omukono gwe ku mpoza Ggombolola gye yetaga agisseko omukono; oba

(*d*) ng'abadde agenderedde n'avuma Ggombolola esala emisango oba n'avuma omu ku basazi b'omusango; oba

(*e*) ng'abadde agenderedde n'amala atabulatabula ebigambo ebiwozesebwa mu musango; oba

(*f*) ng'alina ebintu oba ensimbi ebimuyinzisa okuwayo engassi yonna gy'alagiddwa okusasula n'agana ng'akigenderedde okusasula engassi eyo oluvanyuma ng'amaze okuwebwa ebbanga mw'anagisasulira,

anasingibwanga omusango ogw'okugaya Ggombolola esala emisango era anatanzibwanga omutango ogutasukka Shs. 100, era ng'abadde tawadde mutango okusibwa mu kkomera ebbanga eritasukka weeks mukaga.

19. (1) Buli Ggombolola yonna esala emisango enabanga n'obuyinza okuyita omuntu yenna okujja mu maso gayo olw'okuwa obujulizi mu kitundu ky'erinamu obuyinza obuwozesa emisango, era enayinzanga n'okuyita omuntu yenna atali mu kitundu ekyo okujja okuwa obujulizi ng'esinzira mu biragiro ebiri mu kitundu ekya 28 eky'Etteka lino; oba ebiragiro byonna ebiragirwa Chief Justice nga bwe kiri mu lunyiriri (a) olw'akatundu (4) ak'ekitundu 28 eky'Etteka lya Ggombolola ez'Abazaliranwa.

Naye kyokka omuntu bw'aba ng'awerezeddwa Summons nga Ggombolola temulinako buyinza kumuwozesa musango, Summons eyo terowozebwengako ng'entufu okusinzira mu kitundu kino wabula

Judicial Adviser oba Magistrate ng'amaze okussa omukono emabega wayo okugikakasa. Judicial Adviser oba Magistrate tassenga mukono gwe emabega wa Summons okugikakasa wazira ng'amaze okutegerera ddala ng'omuntu oyo bw'atagenda kuwa bujulizi bwe mu Ggombolola omusango teguyinza kusalibwa mu ngeri ntufu, era ng'amaze okutegerera ddala ng'esimbi ez'okusasula omujilizi oyo olw'okugenda okuwa obujulizi nga zijja kumusasulwa, nga Judicial Adviser oba Magistrate ng'alaba mu kulowoza kwe ng'ensimbi ezo zisana okusasulwa. Ggombolola bw'eba ewereza Summons mu musango Judicial Adviser oba Magistrate okugissako omukono emabega wayo okugikakasa nga bwe kitegezeddwa engulu era Judicial Adviser oba Magistrate bw'aba ng'amaze okulaba ng'omuntu eyetagibwa Ggombolola temulinako buyinza kumuwozesa musango naye atekwa okuwa obujulizi bwe mu musango, omusango gulyoke gusalibwe mu ngeri entufu, naye bwe wabawo ensonga nga Judicial Adviser oba Magistrate ng'alabye ng'okuberawo kw'omuntu oyo mu maso ga Ggombolola tekusanira kwetagibwa, mu kifo ky'okussa omukono emabega wa Summons okugikakasa anayinzanga okulagira omuntu oyo okugenda mu maso ga Court ento Engereza erina obuyinza bw'okuwozesa omuntu oyo, era Court eyo enafunanga obujulizi bw'omuntu oyo n'ebuwandika nga n'abawozanganya webali (nga babadde bagala okuberawo). Obujulizi obwo bunawerezebwanga eri Ggombolola ebwetaga, era na bwo bunagattibwanga n'obujulizi obulala Ggombolola bwe yamala okufuna mu musango ogwo.

(2) Buli muntu yenna nga talina nsonga ntufu bw'anaganaanga okugondera ekiragiro ekimuwereddwa mu ngeri entufu nga bwe kiri mu kitundu (ky'Etteka) kino anazzanga omusango Ggombolola emulinako obuyinza obw'okumuwozesa bw'enamusaliranga omusango ne gumusinga, anatanzibwanga omutango ogutasinga Shs. 100, oba ng'abadde tawadde mutango anasibwanga mu kkomera ebbanga eritasukka ~~nnaku 14~~. E. weeks mukaga.

(3) Omujulizi bw'aba tazze ng'amaze okuwerezebwa Summons, Ggombolola emulinako obuyinza ng'emaze okutegerera ddala nga waliwo omujulirwa akakasa nga Summons yazifunira ddala mu budde obutufu ng'olunaku olw'okuwolezako omusango lukyali mu maso, enayinzanga okukola Warrant (Olupapula olukwata omuntu) n'alyoka aletebwa mu maso g'eggombolola mu kisera era ne mu kifo ekiba kitegezeddwa mu Warrant.

20. Wabula nga bwe kimaze okutegezebwa mu katundu (1) ak'ekitundu 5 eky'Etteka lino oba mu biragiro by'omu kitundu 28 eky'Etteka lino oba mu tteka lyonna erya Kabaka oba mpisa ya nsi enkola enagobererwanga mu Ggombolola ezisala emisango enafugibwanga ebiragiro ebiragiddwa Omulamuzi nga Resident amaze okumuwa amagezi.

21. (1) Buli Ggombolola esala emisango bw'enabanga eragiddwa enawerezanga mu buwandike Return y'emisango gy'enasalanga eri Omulamuzi ku lupapula olulongose (Form) ng'Omulamuzi bw'anabanga alagidde.

(2) Judicial Adviser oba Magistrate anayinzanga okusaba okumuwereza Return yonna enabanga ekoleddwa mu ngeri eyo.

22. Wabula nga bwe kikkirizibwa ebiragiro ebinabanga bikoleddwa mu kitundu ekya 28 eky'Etteka lino tewabenga muwolereza wa mateka (Pulida) awolereza mu ngeri y'amateka anajjanga

mu Ggombolola esala emisango oba eri Judicial Adviser okuwolereza omuntu, naye Ggombolola esala emisango oba Judicial Adviser banayinzanga okukkiriza bba w'omuwabi oba ow'omuwawabirwa, muka omuwabi oba muka omuwawabirwa, mutabani w'omuwabi oba ow'omuwawabirwa, omukuza w'omuwabi oba ow'omuwawabirwa, oba omuzaliranwa omulala anabanga akkiriza okuwoza ku lw'omu ku bawozanganya ng'ow'omukwano awatali na mpera, era ng'alese obukakafu obutegeza nga bw'alagiddwa okujja okuwoza ku lw'omuwabi oba ku lw'omuwawabirwa.

Ekitundu kino tekiziyizenga muntu yenna Ggombolola gw'erinako obuyinza okuwoza omusango gwonna oba emisango ku lwa Government Enkumi oba ku lwa Government Enganda mu ggombolola enabanga ewereddwa obuyinza obwo nga bwe kiri mu katundu 4 ak'ekitundu 6 eky'Etteka lino.

23. (1) Buli Magistrate anayinzanga buli bisera byonna okuyingira mu bigambo bya ggombolola ezisala emisango eziri wansi wa Ggombolola Enkulu ey'Olukiko eziri mu kitundu ky'alimu era anayinzanga okutumya n'okukeberanga omusango gwonna ogw'eggombolola alyoke naye alabe ensala yagwo n'ekibonerezo ekyatekebwamu oba ekiragiro ekyakolebwamu nga bitufu, era nga byagoberera amateka, era alabe ng'omusango gw'eggombolola eyo gwaterezebwa bulungi mu mpozesa yagwo nga gugoberera enkola entufu.

(2) Magistrate ng'asinzira mu katundu (1) ak'ekitundu kino ng'alabye ng'ensala n'ekibonerezo oba ekiragiro ky'eggombolola nga sibigoberera mateka oba si bitufu anawerezanga omusango ogwo awamu ne by'agwogeddeko nga bw'alaba kisanye eri ggombolola erina obuyinza obujjulula emisango gy'eggombolola eyo nga bwe kiri mu kitundu 25 eky'Etteka lino.

(3) Magistrate ng'agoberera akatundu (1) ak'ekitundu kino anayinzanga okulagira nti ekibonerezo ekyatekebwa (ku muwawabirwa) mu musango ogumenya amateka, bw'aba nga mu kirowozo kye alaba nga si kya buntu bulamu oba nga kiyitirivu oba tekigoberedde mateka, kiyimirizibwe okutusa ekisera ebigambo lwe binamalanga okukolwako nga bwe kiri mu katundu (2) ak'ekitundu kino n'ekitundu 25 eky'Etteka lino.

(4) Buli Wassaza anayinzanga okukozesa obuyinza bwonna obuwebwa Magistrate mu kitundu kino, ku Ggombolola zonna eziri wansi wa Ggombolola ye.

24. (1) Judicial Adviser anayinzanga—

(*a*) mu bisera byonna okuyingira mu ggombolola ezisala emisango, n'okukebera eby'emisango gyonna egy'eggombolola ezo.

(*b*) ye nga bw'anabanga ayagadde okukebera omusango ogwatandikira mu Ggombolola yonna oba ogwajulira eri yo, ng'akebera, era ng'ajjulula oba ng'akyusa ensala eba ekoleddwa mu ngeri yonna, wewawo omusango ogukebereddwa bwe gutyo tegusukkenga buyinza bwa Ggombolola gye gwasokera (kwe kugamba nti omusango ogukebereddwa bwe gutyo ekibonerezo ekyagutekebwako mu ggombolola eyasoka okuguyingiramu tekiyongerebwengako);

Wabula siwabenga kibonerezo mu musango gumenya mateka kinayongerwanga ng'omusango gukeberwa ng'omuntu asingiddwa omusango tamaze kuwebwa kisera kya kuwulirwa ky'agamba;

(*c*) okumenyawo omusango era n'okukola ekiragiro ekiragira omusango okuddibwamu okuwulirwa obuggya oba mu ggombolola yennyini eyawozesa omusango oba ggombolola endala, oba nga tewali Ggombolola erina buyinza ku musango ogwo, anayinzanga okulagira omusango ogwo okuwulirwa mu Court ento Engereza:

Naye ensala y'omusango bw'enabanga emenyeddwawo era n'ekiragiro eky'okuguddamu okuguwulira nga kikoleddwa nga bwe kisose okutegezebwa, omuwawabirwa okuwoza nti omusango gwamala dda okusalibwa oba nti omusango yagusinga awalala oba nti omusango gwamusinga dda n'abonerezebwa ebyo tebimuggyengako kuddamu kuwozesebwa nate.

(2) Mu kukozesa obuyinza obujjulula emisango nga bwe kiri mu kitundu kino Judicial Adviser takkirizibwenga kuwulira bujulizi (mu musango) naye anayinzanga ng'abadde alabye kisana, nga tannaba kusala, okuzzayo omusango eri ggombolola eyaguwulira ng'alagira gwongerwe okufunibwamu obujulizi obulala obuba bukyetagibwamu, obujulizi obwo nga bumaze okufunibwa, ggombolola eyo esala emisango olwo enazzangayo omusango ogwo awamu n'obujulizi obuggya eri Judicial Adviser, ye alyoke alabe ekitufu.

(3) Omulamuzi bw'aba ng'akebera eggombolola eziri wansi wa Ggombowlola Enkulu ey'Olukiko anayinzanga okukozesa obuyinza Judicial Adviser bw'alina mu bitundu (*b*) ne (*c*) eby'akatundu (1) ak'ekitundu kino.

(4) Tewali nsala yonna enejjululwanga nga bwe kiri mu kitundu kino ng'emyezi 12 gimaze okuyita okuva ku lunaku omusango lwe gwakoma okuwulirwa era tewabenga musango gunayongerwanga kujjululwa nga bwe kiri mu kitundu kino singa wayimukawo ensonga zonna ku gwo, ng'omusanga ogwo gwamala dda okukolebwako ekiragiro ekijjulula.

25.(1) Ggombolola ejulirwako ensala y'omusango, oba ekiragiro ky'omusango, oba ekibonerezo eby'eggombolola endala, enayinzanga nga bw'enabanga erabye nti kitufu, era obanga omusango gugiwerezeddwa nga bwe kiri mu katundu (2) ak'ekitundu 23 eky'Etteka lino okukozesa obuyinza bwonna obutegezeddwa mu bitundu (*b*) ne (*c*) eby'akatundu (1) ak'ekitundu 24 eky'Etteka lino.

Wabula kyokka ggombolola bw'enabanga ekozesa obuyinza obwo obwogeddwako n'emenyerawo ddala omusango gwonna ogwalimu ensala eyejjereza omuntu eyali awawabiddwa omusango ogw'okumenya amateka, era n'eragira okuddamu okuwozesa omusango ogwo, ekiragiro eky'engeri eyo tekisokenga kukakata nga tekinnaba kukakasibwa Judicial Adviser.

(2) Ebiri mu butundu (2) ne (4) obw'ekitundu 24 eky'Etteka lino bya kukwatanga ku misango eginabanga gijjulula gino mu kitundu kino.

26. (1) Okuva ku Ggombolola Enkulu ey'Olukiko wanabangawo okujulira eri High Court naye okujulira okwo kunakomanga ku misango egyasokera ddala mu Ggombolola Enkulu ey'Olukiko era nga egyo ginabanga gya ngeri ezimenyeddwa wansi:—

(*a*) emisango egimenya amateka nga Ggombolola ewadde ekibonerezo eky'okusiba mu kkomera ebbanga erisukka emyaka etano oba ng'etanzizza omutango ogusussa Shs. 2,000; era

(*b*) emisango egy'obulyazamanyi ng'omuwendo oguvunanwa mu gyo oba ebintu ebivunanwa mu gyo omuwendo gwabyo gusussa Shs. 2,000.

(2) Chief Justice anayinzanga okuwa ebiragiro ebikwata ku nkola enagobererwanga mu kutandisa n'okuwulira emisango egijulira mu High Court.

(3) Okujulira okutatekwa kutwalibwa mu High Court kunatwalibwanga eri Judicial Adviser nga kuva mu musango gwonna ogwasokera mu Ggombolola Enkulu ey'Olukiko. Omuntu yenna bw'anabanga tasimye nsala ya Judicial Adviser ng'abadde awulira emisango egijulidde gy'ali nga bwe kiri mu katundu kano, anayinzanga okujulira mu High Court ng'ekyo ekimujuliza kyesigama ku tteka nga waliwo okubusabusa olw'amakulu galyo (kino tekikwata ku muntu aba ajulidde ng'ekibonerezo kimuyitiridde obunene) naye si kujulira bujulizi nga ekimujuliza kikwata ku kigambo kye yakolera ddala.

(4) Okujulira kunabangawo okuva mu Ggombolola eza wansi eri Ggombolola zonna oba eri Judicial Adviser nga Kabaka bw'anakiragiranga awamu n'okukkiriza kwa Governor mu lupapula oluliko ekiragiro ekissawo Ggombolola eyo. Kabaka ng'amaze okufuna okukkiriza okw'engeri eyo anayinzanga okutegeza mu kiragiro ekitesesawo ggombolola nti omusango ogw'engeri gundi teguyinza kujulirwa, oba gwa bulyazamanyi oba gumenya mateka:

Naye okuggyako nga bwe kitegezeddwa mu katundu kano tewabenga kujulira kunakkirizibwanga kutwalibwa eri Ggombolola Enkulu ey'Olukiko oba eri Judicial Adviser—

(*a*) mu misango egimenya amateka ng'eggombolola ettaddewo ekibonerezo eky'okusibibwa mu kkomera ebbanga eritasukka week emu oba omutango nga gubadde teguwereddwa okusibibwa mu kkomera ekisera ekitasukka week emu;

(*b*) mu misango egy'obulyazamanyi ng'omuwendo oba omuwendo gw'ekintu ekivunanibwa nga tegusukka Shs. 100.

(5) Buli muntu yenna aba tasimye kiragiro, ensala, oba kibonerezo eby'eggombolola esala emisango bw'anabanga akkirizibwa okujulira, anayinzanga okujulira eri ggombolola etekwa okujulirwako (era mu kunnyonnyola kw'ekitundu kino Judicial Adviser naye aligattirwamu) mu ngeri yonna eragiddwa mu bbanga lya nnaku asatu okuva ku lunaku lw'ekiragiro, oba olw'ensala, oba olw'ekibonerezo:

Naye ggombolola ejulirwako enayinzanga okwongera ku bbanga ery'okujulira ng'esinzira ku nsonga entufu.

(6) Mu kukozesa obuyinza bwayo bw'erina ku misango egijulira ggombolola ewulira okujulira enayinzanga okubera n'obuyinza buno:—

(*a*) okuwulira obujulizi obulala obwalekebwayo okwongera ku obwo obwasoka okuwulirwa mu musango;

(*b*) newakubade ng'obujulizi obwo obulala buwulirwa oba tebuwulirwa, erina obuyinza okumenyawo oba kujjulula oba kukyusa mu ngeri yonna ensala eba esinziddwako okujulira, wewawo, ensala eyo ng'ejjuluddwa, okujjulula okwo tekusukkenga kikomo kya buyinza bwa ggombolola eyasoka okusala omusango ogwo;

(*c*) okumenyawo omusango, era ng'emaze okugumenya okulagira omusango ogwo okuddibwamu okuwulirwa obuggya oba mu ggombolola eyagutandika oba okuwulirwa mu ggombolola endala egulinako obuyinza obw'okuguwulira:

Naye ensala y'omusango bw'enabanga emenyeddwawo era n'ekiragiro eky'okuguddamu okuguwulira nga kikoleddwa nga bwe kisose okutegezebwa, omuwawabirwa okuwoza nti omusango gwamala dda okusalibwa oba nti omusango yagusinga awalala, oba nti omusango gwamusinga dda n'abonerezzebwa ebyo tebimuggyengako kuddamu kuwozesebwa nate.

27. Kitegezeddwa wano nti Ggombolola bw'ewulira okujulira oba bw'ekebera omusango ogw'omu Ggombolola eziri wansi wayo tebenga na buyinza obw'okujjulula oba okusangula summons, warrant, process, ekiragiro oba ensala kyokka, olw'okubanga Ggombolola eyasoka okuwulira omusango yasobya mu nkola eyatekebwawo oba mu ngeri gye yawandika eby'omusango. Buli Ggombolola ewulira emisango egijulira gy'eri oba ekebera emisango nga bwe kiri mu tteka lino enasalanga ng'egoberera obutufu bwennyini awatali kussa nnyo mwoyo ku bugambo obutonotono obukwata ku by'enkola yokka.

28. (1) Kabaka ng'Olukiko lumuwadde amagezi, awamu n'okukkirizibwa kwa Governor, anayinzanga okukola ebiragiro ebikkirizisa Etteka lino okukola.

(2) Awatali kukomya buyinza bwa Kabaka nga bwe kiri mu katundu akasose ak'ekitundu kino, ebiragiro by'anakolanga bye binafuganga bino—

(*a*) enkola egobererwa mu Ggombolola nga zisala emisango mu buyinza bwazo obw'okutandika emisango egyo;

(*b*) enkola ekwata ku kuwereza omuwawabirwa okuwozesebwa Ggombolola eziba zirina obuyinza obusingako;

(*c*) enkola egobererwa mu kulayiza abajulizi;

(*d*) enkola egobererwa ku kukumira abawawabirwa ku remand;

(*e*) enkola egobererwa ku kutandika n'okuwulira emisango egijulira;

(*f*) enkola egobererwa ku misango gy'obulyazamanyi;

(*g*) enkola egobererwa ku kweyimiriza;

(*h*) enkola egobererwa ku kutandika emisango egimenya amateka;

(*i*) enkola egobererwa ku kukwata abawawabirwa;

(*j*) enkola ekwata ku muntu nga bw'anasalirwanga okukubibwa oba ku ngeri gy'anakubibwanga nga mugattibwamu ebigambo ebitegeza ebiragiro eby'engeri eno nga bwe binakakasibwanga era abantu abasalirwa okukubibwa nga bwe banakubibwanga oba kweyimirirwa, ekiragiro ekibakubisa nga tekinnaba kukakasibwa oba tekinnaba kuwulirwa gye bajulidde;

(*k*) enkola egobererwa ku kusiba ab'amabanja ne ku kubowa ebintu mu misango egy'obulyazamanyi n'egimenya amateka;

(*l*) Okukkirizanga oba obutakkirizanga abawolereza b'amateka okuberangawo mu ggombolola ezisala emisango oba eri Judicial Adviser;

(*m*) ebitebe ebisasulwa mu Ggombolola ezisala emisango

(*n*) ensimbi ezikkirizibwa okuliyira mu misango egy'obulyazamanyi n'egimenya amateka;

(*o*) emisango eginabalibwanga ng'egimenya amateka oba ng'egy'obulyazamanyi.

(*p*) ensasula n'enkozesa y'Emitango n'empabi ezifunibwa Ggombolola;

(*q*) empapula ez'emirimu ezikozesebwa Ggombolola.

29. (1) Etteka ly'eggombolola ezisala emisango limenyeddwawo nga gye likoma okukwata ku Ggombolola ez'abazaliranwa ezisala emisango mu Buganda.

(2) Ebitundu 9 ne 307 (3) eby'Enkola egobererwa mu Criminal Procedure Code mu misango Egimenya Amateka bimenyeddwawo.

(3) Ebigambo "oba Ggombolola y'Abazaliranwa" ebiri mu nnyiriri 2 ne 3 ez'akatundu (1) ak'ekitundu 321 eky'Enkola egobererwa mu misango Egimenya Amateka biggyiddwawo.

(4) Obutundu (2) ne (3) obw'ekitundu 321 eky'Enkola egobererwa mu misango Egimenya Amateka buggyiddwawo.

(5) Ebigambo "oba Ggombolola ez'abazaliranwa" ebiri mu lunyiriri 2 olw'akatundu (1) ak'ekitundu 323 mu misango Egimenya Amateka biggyiddwawo.

(6) Ebigambo ebimenyeddwawo obutundu (2) okutuka ku (5) obuli mu kitundu kino bijjanga kulowozebwako nga gye bikoma okukwata ku Ggombolola ezisala emisango mu Buganda ng'ebimenyeddwawo.

(7) Newakubadde nga waliwo ebirala ebiri mu kitundu kino, emisango gyonna eginaba gimaze okwanjulibwa naye nga teginnasalibwa mu Ggombolola enzaliranwa eyassibwawo ng'Etteka lino terinnakolebwa, ginawozesebwa era ginasalibwa ggombolola eyo nga giri ng'egiwozesebwa ng'Etteka lino terinnakolebwa.

Likakasiddwa mu Lukiko oluteka amateka ku lunaku olw'oluberyeberye olwa April, 1940.

C. RANKIN

(*Omuwandisi w'Olukiko olwo*)